NNANDUJJA SSENGA OMUYIMBI

Posted by omumbejja - 2007/08/30 02:13

Banange ennyimba zomukyaala ono zibulirira abaami nabakyaala, zisanyusa era zogera kubuli kili mu bulamu bwaffe naye njagala mugendeko ku youtube muwulilize nokulaba oluyimba olugamba nti abakyaala nabaami. Bingi byennyinza okwogera kuluyimba luno naye ka nnokoleyo kano, wagambila nti "omwaami tabuuzibwa gyaba aludde omubuuza mpola ngomukuuta mumugongo akubulirire" .Kati kyesaategeera guno ogwokukuuta omugongo guba gwegumu kumirimu omukyaala gyakola buli lunaku oba lwalwaayo lwokka lwansanga nekyangwe kyange ngakiramba nkifudde eno eri ebisala nga bwenkikuba mungalo nga basirikale bwebakkwaata batuuni nga betegekera okuwuttula abantu ,naye nze olumuggulira nekyangwe kyange mungalo nga mugamba nti njagala kukuuta mumugongo kati kisinziira nekyaaba anzizeemu, bweeba nga byanziramu sibiwomerwa nange awo nenyongera nemukuuba nnyo. Ndowooza olulala lwalwaayo mba nnina kufuna kakodyo kalala kuba tayinza kunzikiliza mmukosa nkovu zemba mmulese mumugongo.

==========

Re:NNANDUJJA SSENGA OMUYIMBI

Posted by bennita - 2007/08/31 07:29

---

omukyala ono ye omu kubantu abakyasize okuyimba enyimba ezirina amakulu oba ezisomesa abantu mubintu ebyabulijo. Naye awo ndowoza yali ategeza nti bwaba nga omwami aludeyo tonyigirawo nga tonamanya kimulwisiza.

==========

Re:NNANDUJJA SSENGA OMUYIMBI

Posted by JeenaJulia - 2007/12/13 09:14

---

bennita wrote:

omukyala ono ye omu kubantu abakyasize okuyimba enyimba ezirina amakulu oba ezisomesa abantu mubintu ebyabulijo. Naye awo ndowoza yali ategeza nti bwaba nga omwami aludeyo tonyigirawo nga tonamanya kimulwisiza.

Owe mamba awana yiye...Benny kyoyogedde kituffu nyoo.Nandujja ye ssenga omuyimbi.

==========

Re:NNANDUJJA SSENGA OMUYIMBI

Posted by Meli - 2007/12/14 18:35

Simanyi nnyo bingi ku muyimbi ono, naye kyemmanyi nti mu luyimba olwa ba artists bonna olukwata ku AIDs, omukyala ono yakola eddobozi eritalina avuganya. Oliwulira nga likuli ku mwooyo. Oyo ya capturing-a ekimu ku bintu ebikola enyimba yekiganda entuufu. Eggono, nga bwebaliyita. Okwo bwogattako ebigambo ebyensonga, nga otuuse.

==========